OBUYUNGO (APPENDICES)

Bino by'Ebitonotono ebifa ku baana ba Paulo Kiyingi nempya zaabwe, buli omu nga bweyagadde okwewandiikako. Abo abaatubulako, bafunye ababawandiiseeko ebitono bye babajjukirako. Wammanga onoolaba ebitonotono ebikwata ku babuze Semyano, Namitala, Mpiima ne Nakiyingi, bonna abafunye ababawandiiseeko. Ate olyoke olabe ebitonotono ebifa ku Nalugwa, Kaggulire, Kulumba, Bbosa, Kibuuka, Nabbosa, Lutalo, Sekkadde ne Naluggya, buli omu bye yewandiiseeko.

AKAYUNGO - 1: Moses Semyano Kiyingi

Yazaalibwa mu mwaka 1926 mu dwaliro e Mulago, Kampala. Kitaawe Paulo Kikwanguyira Kiyingi yali yakakomawo okuva e Kenya gyeyali asoose okukolera, nga afunye omulimu mu Gavumenti nga Kalaani omutaputa, era nga awasizza omukyalawe eyasooka gweyayagala ennyo, Ayisa Nakku, maama wa Semyano. Maamawe ne kitaawe tebaalwa mu bufumbo, olwenjawulo mudiini. Obutafaananako leero, mu biseera ebyo enjawukana mu diini zaali tezisobozesa bulungi abatali badiini emu kulama mu bufumbo. Bwatyo Semyano n'asigala ne kitaawe, n'akuzibwa nnyina owokubiri kitaawe gweyawasa mu bufumbo bweki-Kristayo, Eseza Nabwami. Yakuzibwa bulungi awamu ne baana banne nga abensigo emu. Yabatizibwa nayingizibwa mu kisibo kya Kristo, n'atuumibwa erinnya Moses (Musa), okugatta ediini zombi eya kitaawe Omupoto, n'eya nnyina Omuyisiraamu. Yassibwako emikono mu 1940.

Ebiseera bye ebisinga yabimala mu maka ga bakaddebe e Makeerere era gyeyasinga okukulira. Okusoma kwe yakutandikira Makeerere Sub-grade Primary School mu bibiina ebya wansi. Eyo gye yava neyeyongerayo mu Mengo Primary School, n'oluvanyuma kitaawe n'amutwala okusomera mu somero lya ba Mwoyo gwa Gwanga, Aggrey Memorial School e Bunamwaya. Olwokuba omwana omukulu asooka mu luggya, maamawe Eseza Nabwami yalwana bwezizingirire okumatiza kitaawe amukyuse okuva e Bunamwaya adde mu somero ekkulu mu gwanga, Kings' College Buddo, gye yatandika okusomera mu 1943. Nga ali e Buddo yayatiikirira nyo mu kuyimba, nga ayimba eddoboozi lya bass, naawe woli nowuniikirira. N'eby'emizannyo yabijjumbira nnyo, emizannyo nga Cricket n'okukuba omupiira ogwe bigere (f*ootball*). Bwamaliriza e Buddo mu 1946 teyasobola kweyongera butereevu mu maaso na misomo gye, engeri kitaawe gye baali tebannamuta. Kwe kugira nga anoonya omulimu. Yafuna omulimu n'atandika okukolera eddwaliro ly'e Namirembe (Mengo Hospital) mu ofiisi ebala ebitabo mu 1947. Bwatyo n'asobola naye okuyamba ku bato banne abaali basigadde ettayo awaka e Makeerere.

Oluvanyuma yeyongera okusoma bwe yagenda e Bungereza mu 1955. Yasomera mu Belham and Tooting College, London, gye yasomerera Associateship of the Institute of Chartered Seretaries and Administrators (ACIS) of London. Bwagimaliriza mu 1957, n'afuuka omu ku baddugavu abaasooka okufuna obukugu obw'ekika ekyo mu East Africa.

Yakolera mu bitongole bingi mu Gavumenti n'ebweru wa Gavumenti ya Uganda. Ebimu kubyo bye bino: Yatandika okukolera Uganda Civil Service mu 1957 nga Trade Development Officer. Mu 1959 baamulonda okuba Parliamentary Under-Secretary mu kitongole ky'obusuubuzi n'amakolero (*Ministry of Commerce and Industry*). Yayoleka obwesigwa kitaawe PK bweyamukulizaamu obw'okugaana okulya enguzi. Semyano ye yalina obuvunaanyizibwa obw'okugaba layisinsi z'ebyuma (*ginneries*) ebisunsula pamba n'emmwanyi mu kiseera ekyo. Yafuba nga bwasobola okusemba n'okusobozesa

bannansi okufuna layisinsi ezo, ekintu PK ne banne kye baali balwaniridde okuviira ddala mu myaka gya 1940s era ekimu ku byavaako akasambattuko ka 1949. Nga ekigendererwa kwe kujjawo kyekubirira mu bwannannyini bw'ebyuma ebyo obwaliwo mu kiseera ekyo nga Abayindi beefuze obwannannyini obwo. Abayindi baagezaako nnyo nga bwe basobola okugulirira Semyano aleme kuwa bannansi layisinsi ezo. Baayagala n'okumugulira emmotoka kapyata "Humber" eyali ey'ekitiibwa ennyo mu biseera ebyo. Kyokka ebyo byonna yabigaana. Kale n'afuna ettutumu ddene nnyo mu bannansi abalimi n'abasuubuzi. Era mu mwaka 1963 yakuzibwa n'atuuka ku ddaala erya Permanent Secretary mu kitongole kye kimu. Ekifo ekyo yakikolamu okumala omwaka mulamba. Okuva mu 1964 okutuuka mu 1966 yali akolera mu America nga Executive Director wa International Monetary Fund (IMF) Ate eyo gye yava n'adda mu Uganda nga Permanent Secretary mu kitongole ekikola ku nsonga ez'ebweru (Ministry of Foreign Affairs). Yakolako nga Ssentebe wa National Insurance Corporation okumala emyaka ebiri 1967-1968, ate era ne Produce Marketing Board 1969-1971, nga tannafuuka Gavana wa Bank of Uganda okuva mu 1971 okutuukira ddala mu 1973, mu biseera bya Idi Amin. Ye yali Gavana wa banka nga Idi Amin atandika olutalo lwe olw'ebyenfuna (*Economic War*) n'okugoba Abayindi mu 1972. Yaliko Minister mu Gavumenti ya Amin nga akola nga Minister w'Ebyenfuna (Finance) okumala emyaka ena 1973-1977. Yayatiikirira nnyo eri abantu abalabira ewala, bwe yayasanguza mu mbalirira y'ebyensimbi (Budget Speech) mu 1974 nti Uganda yali ezze emabega mu by'enfuna, naddala kasookedde olutalo lw'ebyenfuna (Economic War) lulangirirwa. Nti era abannansi baali balina okwongera okukola ennyo okutumbula eby'amaguzi nga ebirime n'ebirala, ebivaamu ensimbi ez'okukulaakulanya eggwanga. Okwogera obwesimbu okwo tekwasanyusa mukulu wa ggwanga Idi Amin. Ye yali ayagala Semyano agambe eggwanga nti olutalo lw'ebyefuna lwali luwanguddwa; era nti Uganda yali etambulira ku supiidi ya kizungirizi. Eyo ye budget gye yasembayo okusoma, kubanga newankubadde yasigala mu kifookye nga Minister w'Ebyenfuna, omwaka ogwaddirira si ye yalangirira ebyembalirira y'ebyensimbi (*Budget Speech 1975*). Minister w'ensonga ezomunda (Internal Affairs) Oboth Ofumbi ye yagisoma. Era mu kugezaako okusanyusa Idi Amin, ono yalangirira nga ensi bweyali egenze ennyo mu maaso, n'ebirala bingi. Amin kweyava n'akiniggukira ku abo be yayita abatayagaliza Uganda birungi, ba Nabbi abalagula ebibi byokka ku Uganda (*Prophets of doom*). Teyayasanguza mannya, naye buli eyali waali teyalema kufumiitiriza nti Semyano yali omu ku ba Nabbi abo. Kwekyo Semyano bwe yagattako okukugira ennyo obugabanguzi bw'ensimbi ez'ebweru (*foreign exchange*), nakyo ekitaasanyusa Amin, wamma ne gubula asala.

Waayita mbale, n'awulira ekirangiriro ku radio nti Amin amugobye ku bwa Minista. Ekyewunyisa, mu kifo ky'okunakuwala, nga Abaganda bwebagamba, Semyano "yajjayo akakumbi n'alima emabega w'olujji". Anti yali yeekulisa okuwona nawookera wa Gavumenti ya kijambiya Amin. Kyokka ate oluvannyuma Amin, nga amaze okuwebwa amagezi nti yali agobye omusajja omumanyirivu ennyo mu mirimu gye, yalagira Semyano adde ku mirimugye. Olw'embeera eyaliwo mu nsi mu biseera ebyo, n'okutya olw'obulamu bwe, Semyano yakakibwa okudda ku bwa Minista, kyokka n'asaba afuulibwe Minista wa State ow'ebyenfuna, atasoma budget era atagaba nsimbi ngwiira. Ebiseera bye ebyaddirira mu Gavumenti ya Kijambiya byali bikakali nnyo, ne bimulwaza n'okumulwaza nga yeraliikirira nti ekiseera kyonna Kijambiya ayinza okumusanjaga. Kirowozebwa nti zaali mpewo za Bajjajjaabe na maanyi ga Katonda ebyamukuuma nga mulamu okutuusa mu 1977 Amin bwe yamukkiriza okulekulira okuva mu Gavumenti agende ayongere okujjanjabwa.

Eky'omukisa omulungi olwalekulira Gavumenti ya Amin n'afuluma ensi Uganda, obulwadde bwe, okusinga obwali busibuka ku birowozo n'okweraliikirira, ne bukkakkana. Olwo ate aba Internationa Monetary Fund (IMF) ne bamukoowoola buto okuddamu okubakolera. Yaddayo mu Amerika mu

tuluba lye limu nga lye yali abaddeko mu myaka gy'enkaaga (1960s). Ku luno obukulu obwo obwa Executive Director yabumalako emyaka emirala ena, okuva mu 1978 okutuusa mu 1982. Amin bagenda okumujjako mu 1979, Semyano yali ali mu Amerika. Okujjako Amin tekyakosa mulimu gwa Semyano olwokuba nti tegwali gwa Gavumenti ya Uganda.

Olw'obumanyirivu, obusobozi, obukozi awamu n'obwesigwa bye yalina, Semyano baamulonda okukulira East, Central and Southern Africa Preferential Trade Area (PTA), nga ye Secretary General waayo eyasooka nga yaakagunjibwawo mu 1983. Eby'embi, omulimu guno teyagumalaako bbanga liwera, olw'obutategeeragana obwajjawo wakati we n'abamu ku bakulu b'ebyobufuzi mu nsi ezo. Bwatyo n'alekulira mu 1984, n'adda mu kyalo e Bukatira Ssemuto Bulemeezi n'atandika obulimi n'obulunzi.

Oluvannyuma yeyongera okwetaba mu by'okukulembera abantu nga yesimbawo okulondebwa okutuula ku kakiiko akakulu akafuga eggwanga (*National Resistance Council*) mu 1989, nga akiikirira abatuuze be Nakaseke mu Bulemezi. Olwo Yoweri Museveni nga ye mukulembeze we ggwanga Uganda. Semyano yaddamu okufuna omukisa okuwereza Gavumenti mu bukulu bwa Minista wa Co-operatives and Marketing okumala omwaka mulamba. Kyokka eby'obulimi n'obulunzi teyabiwummulira ddala. Yasigala nga mulunzi ku ddundiro lye ery'e Bukatira, awamu n'okukiikirira ekitundu ky'e Nakaseke mu National Resistance Council, okutuusa obulamu bwe lwe bwakomekkerera mu 1992.

Yafa nsisi nga 4 Febuali, 1992; bweyagwa mu bazigu ku luguudo oluva e Bukatira okudda e Kampala. Ye ne dereva we baba bavuga nga badda e Kampala, ne bagwa mu bazigu abaagezaako okubayimiriza. Mu kubasimattuka yafuna ekikangabwa kinene, oluvannyuma ekyamuzirisa. Okumutuusa mu dwaliro e Mulago nga biwala ttaka. Teyadda ngulu. Yaziikibwa mu kitiibwa kinene ekiwebwa abantu abakoleddeko mu Gavumenti ya Uganda ku daala erya waggulu nga abafuzi (*State Funeral*). Gyali e Bukatira ku ddundiro lye gye yaziikibwa, gy'agalamidde.

Yali mwagazi wa mizannyo, naddala omuzannyo gwa cricket. Nga muwagizi wagwo lukulwe. Yali memba w'ekibiina ky'Abannabuddo (*Old Budonians*), era buli mwaka nga bwebakungaanira e Buddo ku somero, tatera kubulayo okujjako nga wabaddewo ensonga ennene ennyo emugaanye.

Yali musajja mufumbo. Yawasa Mukyala Mary Nakubulwa, muwala w'Omwami n'Omukyala Kibebbere abe Bulange, mu Kanisa Lutiko e Namirembe mu 1956. Baazaala abaana baabwe basatu, era be bano:

1. Kiyingi Paulo
2. Mukasa Stephen
3. Nakiyingi Elizabeth

Abaana abo bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi.

AKAYUNGO - 2: Mary Namitala Bukayanirwa Ntambaazi

Yazaalibwa mu mwaka 1928, nga y'adda ku Moses Semyano Kiyingi, kitaabwe bweyabazaala mu nyabwe Ayisa Nakku nga tebannayawukana olw'eddiini. Ye yali asigadde ne nnyina nga azzeemu okufumbirwa omusajja omuyisiraamu, naye oluvannyuma baamukomyawo eri kitaawe nyina nga mulwadde anaatera okufa. Era ekyennaku maamawe teyalwa n'afa mu 1930, nga Mary Namitala akyali bbujje. Yatuumibwa amannya Mary (Maliyamu) erinnya erigatta eddiini zombi ey'eki-Protestant n'ekiIslam, mu ngeri yemu nga mukuluwe Musa (Moses) bweyali atuumibbwa.

Ebiseera bye ebisinga ebyomu buto yabimala Makeerere mu maka ga kitaawe ne nyina owokubiri Eseza Nabwami (ENK), eyamukuza n'okumulabirira mu byonna nga omwana owuwe gwe yezaalidde. Yasomera Mengo Primary School okuva mu kibiina ekisooka okutuukira ddala mu Junior (Primary 1 - Junior Secondary 1). Kitaawe aba akyali mu buwanganguse ne bamulabira omusajja ow'okufumbirwa, olwo nga akaziwadde aweza egy'obukulu kumi na mwenda. Yafumbirwa Omwami Kezeekiya Ntambaazi, omusajja omuganda eyeddira Ennyonyi, nga 14 Febwali 1947. Kigambibwa nti obufumbo bwabwe bwali buzibuzibu. Baayita mu nkumbaali obufumbo okubukuuma okuweza emyaka kumpi makumi abiri (20) balyoke baawukane mu 1968. Bweyava ewa bba, Namitala yatandika okwekozesa, nga akolera mu katale e Nakasero nga omusuubuzi. Kino kyamusobozesa okwongera okulabirira abaana baabwe, beyazaala ewa bba nga tebannayawukana, naddala abo abaali bakyali abato. Abaana bonna baali abalungi mukaaga, era be bano:

1. Nakamya Nora
2. Lubanga James
3. Nakabo Mary
4. Wamala Samuel
5. Nambi Tabisa
6. Namuddu Joyce

Abaana abo bonna baazaalibwa beddira Nnyonyi. Nga bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi.

Namitala yafa 23 Febuali 1977. Obulwadde obwavaako okufaakwe tebwategeerekeka bulungi, kyokka bwali bwa musujja ogwembagirawo. Yaziikibwa ku bijja e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi, oluwanga lwe gyeruteredde.

AKAYUNGO - 3: Efulansi Miriam Lwalamukwano Nalugwa Musoke

Yazaalibwa nga 16/03/1931 mu dwaliro e Mulago, Kampala. Yatuumibwa erinya Nalugwa, ery'ekika, ate n'eddala Lwalamukwano (oluganda), ery'olugero. Mu kubatizibwa nga May 3, 1931 yayongerwako amannya ageddiini Efulansi Miriam. Oluvanyuma nga akuze yassibwako emikono mu 1943, olwo n'afuuka omuKristayo omujjuvu mu Kanisa.

Ebiseera bye eby'omu buto yasooka ku bimala Makeerere awaka. Bwaweza emyaka esatu (3) ne bamutwala abeereko mu kisaakaate kya jajjaawe Mujugumbya e Kassanda. Yavaayo mu 1938 nga aweza emyaka musanvu, atuuse okutandika okusoma. Yasomera mu Mengo Girls School gye yamaliriza Primary 6. Okutwalira awamu ebiseera ebyo byali bya butabanguko mu Buganda, anti ne kitaawe we bamuwangangusiza. Kitaawe okugenda mu busibe Nalugwa yali akyasoma. Kale okusomakwe ne kugootaanagootaana, ate nga ne nyina naye agenze okuwerekera kitaawe mu buwanganguse. Okutangatanga abaana abaasigala e Makeerere kwebaalimu, tekwasobozesa Nalugwa kweyongerayo kusoma mu bibiina bya waggulu, bwe yamaliriza Primary 6, songa yali ayitidde waggulu ddala, era n'amagezi nga alina mangi asobola bulungi okweyongerayo. Ekyavaamu Sengaawe Tezira Nakiyingi kumulabira musajja wa kufumbirwa. Nalugwa yayanjula Mwami Kerementi Kyambadde Musoke eyeddira e Nnyonyi, eri kitaawe omuto Nasanayiri Mukasa (owe Kyabbumba), nga amwanjulira awaka e Makeerere nga 4 Apuli 1947. Olwo Nalugwa yalina emyaka 16 gyokka egy'obukulu. Embaga makeke yaliwo nga 16 June 1947. Eky'okusaalirwa, mu butamanyirawo embaga eyo yaliwo ennaku nga ssatu ezaakulembera amadda ga kitaawe Paulo Kiyingi, nga adda e Buganda okuva mu buwanganguse. Kale yandibadde ntujjo nene, naye Paulo Kiyingi emukulisa okuva mu busibe ate n'okusajjakula okutuuka okufumbiza eggwalajjana ery'okubiri. Baagattirwa mu Kanisa Lutikko e Namirembe, nga abagatta ye Rev Zaake. Eby'okunywa byali Mengo Secondary School. Oluvanyuma ne baserengeta e Bulika Kyaggwe, en'goma n'engalabi ne bivuga.

Katonda yabawa abaana babwe kumi na bana, era be bano:

1. Namirimu Eseza
2. Kyambadde Paul
3. Ddiba Samuel Kanamwangi
4. Nambi Sarah Christine
5. Ssenyange James Henry
6. Lubowa Michael Namungi
7. Nalule Sophie
8. Ssemukuye Stephen Bakumpe
9. Nyombi Richard Bamweyana
10. Nan'gonzi Harriet Evelyn
11. Ssenkandwa David Musoke
12. Nantanda Mable Betty
13. Ssenyonjo Allan Dan
14. Ssenyonga Philip Harrison

Abaana abo bonna beddira Nnyonyi, akabbiro Kkunguvvu. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi.

Baamala mu bufumbo kumpi emyaka asatu mu mwenda (39), omwamiwe Kerementi amale amufeeko oluvanyuma lw'okulongoosebwa akawago. Yasigala alabirira abaana baabwe, nakati akyateredde mu maka gabwe e Namirembe, Kampala.

Yayiga okutunga nga akozesa ekyalaani mu 1963, ate era ne yeyongera okusoma oluzungu okumala omwaka mulamba mu 1964. Olwo n'afuuka mukugu mu kutunga engoye, era n'atandika okwekozesa yekka. Omulimu guno yagumalamu emyaka egiwera, okutuusa emirimu gy'awaka bwe gyamuyitirirako, n'aguwummula. Ate olwo nabakira egy'e Kanisa, nga adda mu bigere bya bakaddebe, naddala maamawe Eseza, abaawereza e Kanisa ye Makeerere okumala ebbanga eddene. Ne kaakati Efulansi Miriam Musoke akyawereza e Kanisa Lutikko Namirembe nga omukebezi, abuulirira abavubuka abeetegekera okuyingirira obufumbo. Y'omu ku bayonja n'okutimba Lutikko. Memba wa kibiina ekyabakyala ba nakazadde (Mother's Union) mu busumba bwe Namirembe. Ye muwanika w'ensawo eyamba abo abalina obuzibu obw'ekika ekimu oba ekirala. Yalokoka mu mwaka 1990, mu mwezi gwa Sebuttemba, ebizibu bye n'abitikka Yesu, kati gwatendereza nga bwe "yamusumulula". Agamba nti okuva olwo atambulira mu bulokole n'okutuusa leero. Ayamba abantu bangi abali mu buzibu. Asonyiwa abamunyiiza, yenenya era asaba okusonyiyibwa. Akkiriza nti Kitaffe ali mu ggulu tayinza kumusonyiwa nga ye tasonyiye bamunyizizza. Bwatyo obulamu bwe bwabugonza. Akyakolera bingi abaana be awamu ne ab'ekikaakye, bagandabe ne bannyina, nga omutabaganya ate era omukungaanya.

AKAYUNGO - 4: Henry James Basajjanswa Mpiima Kiyingi

Yazaalibwa nga 25 Febwali 1933, mu dwaliro e Mulago. Yatuumibwa erinnya Mpiima nga lye ery'ekika, neddala ery'olugero Basajjanswa. Oluvannyuma yabatizibwa amannya Henry James, nayingizibwa mu kisibo kya Kristo. Yassibwako emikono mu Kanisa ye Makeerere. Yakulira Makeerere mu maka ga bakaddebe ebiseera bye eby'omu buto, okujjako emyaka ebiri gye yamala ne mukuluwe Erifaazi Kaggwa e Najjanankumbi nga bakadde be bali mu buwanganguse.

Yasomera Makeerere Primary School ebibiina ebisooka okutuuka ku ky'okuna. N'ava eyo n'agenda e Nkwanga, Mubende okusomera mu somero eryali liddukanyizibwa Spartus Sebbanja owa Orthodox Church, nga lya kisulo. Yaliyo mu kiseera kye kimu ne mugandawe Douglas Nkonge Kaweesa, era nga mu somero eryo abaana bonna basomera bwerere. Oluvanyuma baamujjayo nga maamawe ENK atidde nti omwana ayinza okufuuka omusoddo. Ne bamutwala mu Aggrey Memorial School, okumaliriza Primary ku Kayanja ka Kabaka. Eyo ate gye yava, ne yeyongerayo mu Siniya e Bunnamwaya. Yasoma eby'okubala ebitabo mu School of Commerce e Wandegeya, n'akuguka mu kubala ebitabo (Accountancy) n'abufunamu Diploma. Ebbaluwa eyo yamusobozesa okufuna emirimu gye yakola n'amaanyige gonna ag'obulamu bwe.

Yasooka n'afuna omulimu mu ddwaliro e Mubende nga asembebwa Mw. Sendagire (mutabani wa William Nsubuga, muliranwa awo e Makeerere awaka), ye olwo eyali akolera mu ddwaliro e Mengo. E Mubende Mpiima yakolayo nga omubazi w'ebitabo ow'eddwaliro mu 1960. Kyokka teyalwayo, ate n'adda mu ddwaliro ly'e Ntebe mu 1961. E Ntebe eyo gye yasookera okuwasa omukyala Amina Nansubuga, ne bazaala omwana wabwe Christine Deborah Nakiguli mu 1962. Bwava e Ntebe kwe kugenda e Masaka n'asooka okukola era mu ddwaliro ly'e Masaka, okutuusa 1965 lwe yalekulira. Yafuna omulimu mu somero Masaka High School, Kijjabwemi, olwo nga awasizza omukyala omulala Nusula Nakimera.

Ekiseera kyonna yali ateganyizibwa obulwadde obw'okwesika, nga buva ku lubale lwe yafuna ku mutwe edda nga akyali muto. Mwana munne yamukuba omuggo omunene ku mutwe, n'azirika, n'atuuka n'okulongoosebwa obwongo okujjako omusaayi ogwali gwetukuse. Mu kuba nga awona, yalekebwa n'enkovu ku bwongo, oluvannyuma eyavagako okwesika okwo. Obulwadde obwo obwefaananyiriza ensimbu, kyokka nga bwo buva ku lubale okuleeta enkovu ku bwongo, abasawo kye bayita "post-traumatic epilepsy" okubwawula ku nsimbu enzaale, bwateganya nyo Mpiima ebbanga lyonna ery'obukulu bwe. Ate nga abantu abasinga tebabutegeera bagiyita nsimbu nzaale, ereeta eddalu, songa nedda teyalina ddalu. Nga bwaba teyeesika aba nga omuntu owa bulijjo yenna. Yali mukozi mwangu, munyumya, asaaga obulungi, ajjudde ekisa n'obusaasizi. Yavanga e Masaka n'ajja okukyala awaka e Makeerere. Bwe yabanga addayo nga fenna buli mwana amuwaayo sente okulyamu kabalagala. Bwali bulwadde obwo obwavaako okufaakwe nga akyali muvubuka ddala wa myaka 33 egy'obukulu. Yafiira Masaka nga 25 March 1966 nga alese abaana abawala babiri abazaale, n'omulala omulenzi "Najjalwambi" eyali mu lubuto lwa nyina. Ono yazaalibwa nga 4 July 1966, era ye yamusikira mu kwabya olumbe nga 10 Desemba 1966. Abaana be bonna beyazaala mu bakyala abo ababiri bali basatu, era be bano:

1. Christine Deborah Nakiguli
2. Eva Naluggya
3. Henry James Mpiima

Abaana abo bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemezi. Kitaabwe yabavaako nga bakyali bato ddala nga tabasibiridde ntanda, naye yabalekera ba jjajjaabwe Paulo ne Eseza Kiyingi okubakuza, amagezi n'emikisa gya bajjajjaabwe abo bibalondoolenga. Bakuze bamanyi Makeerere awaka nga ye wabwe.

AKAYUNGO - 5: Damasko Kikwanguyira Kaggulire Kiyingi

Yazaalibwa mu mwaka 1935, nga ennaku z'omwezi 28 Febuali, mu dwaliro lye Mulago. Yatuumibwa amannya Kaggulire - ery'ekika, ne Kikwanguyira ery'olugero nga alijja ku kitaawe. Yabatizibwa nayingizibwa mu kisibo kya Kristo mu mwaka gwe gumu; n'atuumibwa amannya amabatize Damasko Erieza. Mu mwaka 1953 yakakasibwa mu diini nga assibwako emikono Omulabirizi Leslie Brown mu Kanisa e Makeerere.

Ebiseerabye ebyomu buto yabimala mu bifo ebiwera - e Kassanda Ssingo (1936-1940), Makeerere (1941-1945), Kitgum ne Moroto (1945-1947 mu buwanganguse ne kitaawe), Bukatira Bulemeezi (1947-1949), n'alyoka adda e Makeerere nate okweyongera okusoma emisomo mu bibiina ebya waggulu. Okusomakwe yakutandikira Makeerere Primary School, gye yamala akaseera akatono ate ne bamuzza mu Aggrey Memorial School, essomero lyaba Mwoyo gwa Gwanga. Wakati wa 1945 ne 1947 nga ali mu buwanganguse ne kitaawe e Moroto, ye ne mutoowe Asanasiyo Bosa baasooka ne basomesebwa kitaabwe awaka, oluvanyuma omusomesa Mw Henry Kanyike naye kweyayongereza nga yegasse ku basibe e Moroto. Bwe bakomawo e Buganda yeyongera okuyiga mu Kalege Primary School e Bukatira wakati wa 1947 ne 1949, era eno gye yamaliriza emisomo gya Primary nga banne bonna abanyweddemu akendo. Yeyongera okusoma mu Junior School, gye yasomera e Mityana Junior Secondary School okuva mu 1950 okutuuka mu 1952. Naafuna Junior Secondary Leaving Certificate.

Yaliko omulenzi akulira bayizi banne mu somero (*Head Prefect*) mu Kalege Primary School. Ate n'abeerako Music Prefect mu Mityana Junior Secondary. Okutwalira awamu yali muyimbi mwatiikirivu, eyayagala ennyo emizanyo nga okusamba omupiira, okuwuga, okuzanya "ring", okumegga ebigwo n'okwesa omweso Omuganda. Olw'obuwanvubwe n'engeri gyeyali abaddeko mu busibe ne kitaawe, banne baamukazaako erinnya "Omujjashi".

Bwava e Mityana Junior School yesogga African Commercial School e Mulago atandike okukuguka mu by'okubala ebitabo (*accountancy*). Emisomo gye yayongera okugitumbula nga omuyizi ow'ebweru owa London School of Accountancy wakati wa 1957 ne 1960, olwo nga ate eno bwakola n'okukola. Okukkakkana nga bamutikkidde London Chamber of Commerce School Certificate (L.C.C) ne Diploma in Accountancy (A.L.S.A).

Akoze mu bifo bingi watuuse okuwummula emirimu gye gwanga alyoke ate adde mu bulimi. Yasooka n'akolera Omw. Oliver S Keeble nga Assistant Audit Clerk mu 1956-1957. Ate n'akolako mu Mengo Blue Gardens Nightclub nga Assistant Manager and Financial Controler mu 1957-1959. N'akola nga Accountant n'oluvanyuma Senior Accountant wa Uganda Growers Co-operative Union Ltd okuva mu 1960 okutuukira ddala mu 1970. Yeyongera okwoleka obukugubwe mu mirimu gy'okubala nga akolera Kazamiti Trunk & Glasses Ltd nga Accountant and Financial Controller okuva mu 1971 okutuusa 1977. Olwo n'alyoka adda mu bulimi mu kyalo e Bukatira Bulemeezi, ku ttaka Paulo Kikwanguyira Kiyingi lye yalekera abaana be bonna.

Damascus Kaggulire musajja mufumbo. Yasoka n'awasa omukyala Robinah Joyce Nakiryowa mu bufumbo bw'embaga eye Kanisa mu 1963. Ne bazaala abaana babwe. Ekyennaku ennyo mukyalawe ono namufaako mu ngeri y'olusaagosaago mu mwaka ---. Oluvanyuma yawasa mu mpisa z'ekiganda, omukyala omulala Robinah Naabawanuka Lunkuse. Oyo kati bwebakyakuumaganye e Bukatira Bulemeezi. Katonda amuwadde ezzadde mu bakyalabe abo bombi beyawasa, awamu n'abalala abaamusiimanga, era ezzadde eryo lye lino:

1. Lumu Damasiko
2. Nkonge Frederick
3. Serunkuuma Godfrey
4. Luggya Frederick
5. Kiyingi Moses
6. Bbosa James
7. Kulumba Paul
8. Kalyesubula Samwiri
9. Kaggwe Peter
10. Naluggya Sarah
11. Nalugwa Florence
12. Nakiyingi Margaret
13. Nakatudde Rose
14. Nakiguli Allen
15. Nakibuuka Betty
16. Nakagulire Ester
17. Nabbosa Alice
18. Nalunkuuma Robinah
19. Nalumu Annet
20. Nakkadde Ester
21. Namitala Eseza
22. Lutalo James
23. Nakaggwe Dorothy

Abaana abo bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Kitaabwe abaagaliza mirembe myereere mu maaso gye bujja, nga Katonda bwanaaba asiimye.

Mu bulamubwe Damasiko Kaggulire alabye, era akyalaba bingi. Kyokka mu byonna ebikyasinze okumwewuniikiriza era byasinga okujjukira ennyo bye bino: (1) Okuwangangusibwa kwa Ssekabaka Edward Frederick Luwangula Muteesa II mu 1953, awamu n'amaddage mu kitiibwa n'obuwanguzi mu 1955; (2) Emikolo gy'ameefuga ga Uganda mu 1962; (3) Olutalo olwamaamulako Idi Amin mu 1979;
(4) Olutalo lw'omunsiko olw'abayeekera, olwajjako omutene Milton Obote omulundi ogwokubiri mu 1985, awamu ne banne mu 1986. Damasiko Kaggulire akoledde bingi era akyakolera bingi ebyomugaso eri eggwanga, kyokka nga mu byonna ky'akyasinze okubala ekikulu ennyo kye ky'okuyamba batoobe mu ngeri ezimu oba endala, naddala mu by'okusoma kwabwe. Kino kibasobozesezza okutuuka ku madaala aga waggulu ddala, ate nabo ne basobola okumuweererera ku baanabe, awamu n'okukolera eggwanga lyaffe ebirala ebyomugaso bingi. Anti baalugera dda nti "Akuwererera omwana, akira akuwa".

AKAYUNGO - 6: David Buzaabo Kulumba Kiyingi

Yazaalibwa 09/11/1936 mu dwaliro lye Mulago, n'atuumibwa amanya Kulumba, ery'ekika ne Buzaabo erya jjajjaawe omusajja Samwiri Lwasi Buzabo azaala kitaawe. Mu luvanyuma omwo kitaawe Paulo Kiyingi mweyajja okumuyitanga "Jjajja wa waka" olw'erinya Buzaabo. Yabatizibwa erinya Daudi, era nayingizibwa mu kisibo kya Kristo nga akyali muwere.

Ebiseera bye eby'omubuto ebisinga yabimala mu maka ga bakaddebe e Makeerere. Okusoma kwe yakutandikira mu Makeerere Primary School, mu bibiina ebya wansi. Oluvanyuma yagenda mu Aggrey Memorial School, Bunamwaya, essomero eryatandikibwawo ba Mwoyo gwa Gwanga. Eyo gye yamaliriza Primary, neyeyongerayo mu Siniya, mu somero lye limu.

Okutwalira awamu yali mulenzi mujagujagu, mutetenkanya ate omukozi ow'amaanyi. Mu kazigizigi eyaliwo e Makeerere wakati wa 1945 ne 1947 nga bakaddebe bawangangusibbwa, yakosebwa kinene ddala, engeri gyeyali omuto owe myaka omwenda 9. Ekisooka, teyasooka kutegeera nsonga ki eyabuzaawo bakaddebe, ate bombi awamu; ekyokubiri teyalaba nsonga lwaki ye yalekebwa awaka nebatwala mukulu we gwaddako Kaggulire ne muto we amuddako Bbosa; ekyokusatu teyategeera nsonga lwaki abantu bangi abaakyalanga awaka baatandika okwewala wo; ekyokuna obuyambi newankubadde baafuna obwengeri emu oba endala okuva mu b'oluganda n'abemikwano abamu, naye bwali tebubatuusaako bulamu bwebaaliko nga kitaawe tannawangangusibwa, n'omusaala omunene gweyafunanga. Yeevuma ne yesaasira ne yekubagiza. Mu kutangatanga kwe yalimu yabeerako ne bakulu be Nusula Matovu, Dolosi Nalunkuuma ava mu Nasanairi Lugya Mukasa owe Kyabumba, Mary Namitala, Moses Semyano Kiyingi ne Efulansi Miriam Nalugwa.

Yasobola okweyongera okusoma e Bunamwaya mu Aggrey Memorial School awatali kusasula bisale bya somero, lwa kuba ye ne baganda be baali babalibwa nga abaana ba Mwoyo gwa Gwanga eyali alwanirira ensi ye Uganda. Emisomo yagikwasa maanyi, kyokka nga abato bonna bwebakola, n'emizannyo yaginyumirwanga. Yasamba endiba (football) nafufuggala. Mu byetaago bye somero ebimu ebirala yayambibwako ab'oluganda, nga Erifaazi Kaggwa Kirimuttu. Ekyewunyisa, kitaawe bwateebwa mu 1947 okusomera obwerera nekukoma. Yalina okusasula ebisale by'esomero nga abayizi abalala bonna. Kyokka olwokuba kitaawe omulimu gwa Gavumenti yali agumaze, nga afuuse mulimi, ate nga mu bulimi temwali nsimbi ziwera, oluusi n'oluusi ebisale bye somero nga bibula. Yawalirizibwa okuwummuza mu misomo gye okumala omwaka mulamba nga apakasa ensimbi ez'okumuwerera mu somero. Yasomesa mu kasomero Namasinda Parents Primary School okumala omwaka gumu. Yalima kasooli n'ebijanjaalo eby'okutunda, najjamu ensimbi zeyayongereza ku zeyajja mu busomesa, nalyoka asobola okuddayo mu somero. Yatuula ebibuuzo bya Junior Leaving Certificate mu 1954, n'abiyitira waggulu ddala. Yeyongerayo mu maaso okutuuka ku Cambridge School Certificate, gye yatuula n'agiyita mu 1957. Kyokka era ne nsimbi ezimumazisaako siniya nazo zaali za kaasa meeme. Ye ne banne abalala basatu: Christopher Mayega, Paul Walugembe ne Byron Kawadwa beegatta ne bakolanga emirimu egya lejja-lejja, okujjamu ensimbi ez'okugula ebitabo, ebyambalo bye somero n'ebyetaago ebirala. Baazimbanga enyumba ez'ettaka e Nakulabye ne Makeerere-Kivvulu awamu n'okuzimba obuyonjo mu Mengo Social Centre.

Mu 1957 yayingira ekitongole kya Gavumenti eky'ettaka Lands and Surveys Department, nga asookera ku daala ery'obwa kalaani/clerk. Oluvanyuma lw'okwongera okutendekebwa yakuzibwa nafuulibwa Omumyuka w'omuwandiisi w'ebyapa by'ettaka (*Assistant Registrar of Titles*). Yali ku

daala eryo bweyasalawo okweyongera okusoma emisomo egy'ekikulu. Olwokuba emirimu gye mu kitongole ky'ettaka gyali gyekuusa nyo ku mateeka g'ettaka, yasalawo okukenkuka mu mateeka.

Yasookera mu Makeerere Law Development Centre gye yasomera Diploma in Law okumala omwaka gumu, nagikuba oluku mu mutwe. Teyakoma okwo, ye ne mukwanogwe nfiirabulago Francis Wazarwaki Bwengye nebanganga ebibuuzo by'e Makeerere University (*Mature Age Entrance Examinations*). Ebyo nga babiyise bakkirizibwa okuyingira University mu 1974 okutandika okumeggana n'emisomo gy'ekikulu mu kitongole kya mateeka (Faculty of Law). Zoolaga omulungi zidduka, n'omwaka ogwokutuuliramu ebibuuzo ebisembayo nga tebannabatikkira diguli tegwalwa ne gutuuka. Ebigezo yabikola era nabiyitira waggulu. Ye yali omu ku bayizi abasatu abaakulembera mu kibiina kyonna ekyabayizi abasukka mu nkaaga, nga omwo mwemuli abaasoma obukulu (mature age entrants) nga ye, n'abo abaali bavudde mu somero butereevu. Baamutikkira diguli y'amateeka Bachelor of Laws (LLB, Hons), mu mwaka ogwa 1977. Omwaka gwe gumu mutoowe Kikuttobudde Sekkadde naye mwe yatikkirwa diguli y'ebyobulamu, MBChB. Era entujjo yali nene mu maka e Makeerere nga nyabwe ENK yegasse ne kojjabwe Dunstan Kasolo Serunyiigo, nyabwe omuto Yunia Nandawula Lwanga, ba seruganda ne nanganda, awamu n'abemikwano, okubakulisa abaana abo bombi okumegga emisomo gyabwe. Gyali mirembe gy'omuzigu Idi Amin, era ye yabatikkira amadiguli gaabwe ago. Ebyo olwaggwa, Daudi Kulumba teyalonzalonza ne yesogga buto Makeerere Law Development Centre. Ku luno yali aluubirira Postgraduate Diploma mu Legal Practice, ebbaluwa eyali egenda okumukkiriza okuwolereza abantu emisango, awamu n'okuwakana n'omulamuzi. Teyabandazaamu, ogwo omusomo nagwo n'agukuba oluku mu mutwe, yogayoga nga bonna beyali asomye nabo omwaka ogwo abaliddemu akendo, abakulembedde. Yaddayo mu kitongole ky'ettaka (Lands and Surveys Department) mu 1978 n'akuzibwa okutuuka ku daala ly'obwa Registrar of Titles and Conveyancer. Oluvanyuma lw'okukolera Gavumenti okumala emyaka abiri mu esatu (23) be ddu, yalekulira Gavumenti naatandika okukolera kampuni ya bannamateeka Mugerwa & Matovu Advocates mu 1981. Bano yamala nabo emyaka ebiri, kwe kutandika kampuni eyiye ku bubwe Kulumba-Kiyingi & Co. Advocates. Naguno gujwa mu kampunii eyo mwateredde era mwayatiikiriridde nga lawyer, naddala ku nsonga ezikwata ku ttaka (*Land Law*).

Musajja mufumbo. Yawasa Mukyala Harriet Nakalanzi muwala wa Erisa Musoke e Kyebando eyeddira e Nseenene mu 1969. Katonda akyabawadde abaana baabwe munaana. Okwo bwogattako abaana basatu Katonda beyali awadde Kulumba nga tannawasa Harriet, bonna awamu ne bawera abaana kumi noomu, era be bano:

1. Kalyesubula Richard Frederick
2. Nalumu Catherine
3. Sekkadde Aloni Bapere
4. Nakkadde Sarah Rosette
5. Kiyingi Banadda Paulo
6. Lutalo Samuel
7. Lwasi Erisa
8. Nalugwa Esther
9. Nalunkuuma Alice
10. Nakibuuka Elizabeth
11. Nabbosa Sanyu

Abaana bano bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi eyebase e Nakaseeta Mpigi, Bulemezi.

Daudi Kulumba entanda gyasibirira abaana be yeeno: Mukole nyo musobole okwebeezaawo mu nsi muno n'emirembe nga bwe gikyuka, nga muli ku mutindo ogwa waggulu.

AKAYUNGO - 7: Athanus Lule Bbosa Kiyingi

Yazaalibwa mu 1939 mu mwezi gwa Febuali. Yatuumibwa erinya ery'Ekika Bbosa, n'amalala Asanasio Lule, nga gava ku jjajjawe Asanasio Lule Mujugumbya azaala nyina. Bwaba yakaweza omwaka gumu yatwalibwa e Kasanda, Singo, agire nga abeera ne jjajjaawe Eresi Sanyu Nabukeera, mu kisaakaate kya Mujugumbya, engeri nyina ENK gyeyali yakazaala Elizabeesi Nakiyingi nga tannatuuka (olubuto lwali lukyali luto). Mu 1945 nga Bbosa wa myaka mukaaga (6) kitaawe PK bamuwangangusa olwobutabanguko obwaliwo mu kiseera ekyo. Bosa awamu ne Kaggulire baagenda ne bakaddebe mu buwanganguse e Moroto, Karamojja. Bagenda okudda okuva mu buwanganguse mu 1947 nga Bbosa wa myaka munaana (8). Nalyoka atandika okusoma, nga asookera mu Kalege Primary School, kitaawe PK gyeyali atandiseewo e Kalege Bulemeezi. Primary yagimalirako Chwa II Memorial School Namungoona mu kibiina ekyomukaaga, neyeyongerayo mu Junior Secondary School mu somero lye limu. Eyo gye yava n'agenda okusoma okukuguka mu kubala ebitabo (*accountancy*). Yakolerako Kasawo Cooperative Union okumala akaseera, n'oluvanyuma nafuna omulimu mu kampuni ya taaba "British American Tobacco" (BAT) mu 1969 nga atandika nga omutunzi (Salesman) wa sigala. Oluvanyuma yakuzibwa n'atuuka ku daala ly'obwa Meneja (*Sales Manager*) lye yasigalako okutuusa lwe yalekulira mu 1989.

Musajja mufumbo. Yawasa omukyala Milly Nalubega eyeddira Engabi, muwala w'omugenzi Paulo Matovu e Kakuyu Busiro, nga 29 Sebuttemba 1973. Katonda akyabawadde abaana baabwe mwenda. Okwo kwogatta abalala bana ab'omukyala omulala, bonna awamu ne balyoka bawera 13 be ddu, era be bano:

1. Nakiguli Eva Kyolaba
2. Nalumu Betty
3. Nakiyingi Samali Nalongo
4. Nalunkuuma Janet
5. Kiyingi Paulo Banadda
6. Luggya Nathan
7. Naluggya Margaret Juliet
8. Bbosa Hannington
9. Kalyesubula David
10. Lumu Henry James
11. Lutalo Simon
12. Nabbosa Irene
13. Nalugwa Susan

Abaana bano bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bazukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi Banadda eyebase e Nakaseeta Mpigi, Bulemeezi.

Asanasio Bbosa abaana be abaagaliza buvumu na buwanguzi mu buli kyabanganga, nga bayita mu kwewayo n'okwefiiriza, naddala ensimbi bweziba zirabise. Mu ngeri eyo ebiseera byabwe ebyomu maaso bijja kuba bitangaavu nyo.

AKAYUNGO - 8: Elizabeth Rosette Banzigya Nakiyingi Wamala

Yazaalibwa nga 27 Desemba 1940 mu ddwaliro e Mulago. Yatuumibwa erinnya ery'ekika Nakiyingi, n'eddala Banzigya lye yabbulwamu jjajjaawe omukazi azaala kitaawe. Oluvannyuma yabatizibwa n'ayingizibwa mu kisibo kya Kristo, n'atuumibwa amannya Elizabeth (Betty) Rosette.

Nga akyali bbujje ddala, sengaawe Esta Nakagulire Mukasa ye yasooka okumulera. Baali Kabasanda mu Butambala, omwami wa sengaawe Matiya Mukasa Gaanya gye yali akola nga omuwandiisi ku ssaza. Nyina ENK bw'akomawo okuva mu buwanganguse mu 1946, Nakiyingi naye kwe kumuzza e Makeerere n'ayongera okukula ne baana banne.

Emisomo gye yagitandikira Makeerere Infant School mu 1947, n'oluvanyuma n'agenda naye asomerako mu Aggrey Memorial School e Bunnamwaya okumala emyaka ebiri. Eyo gye yava n'adda e Mengo Primary School gye yabuulizibwa ebigezo bya Primary 6. Ebigezo ebyo yabiyitira waggulu, ne kimusobozesa okweyongerayo mu maaso mu somero ly'abawala e Gayaza Junior School. Ebigezo ebimalako Junior 3 nabyo yabikuba oluku mu mutwe, ne yeyongerayo mu Gayaza High School, gye yasomera Siniya. Mu kiseera ekyo Gayaza yali ekoma ku Senior 4. N'olwekyo Elizabeth (Betty) kwe kugenda mu somero erisingira ddala obukulu n'obututumufu mu Uganda yonna, nga likkiriza abawala n'abalenzi, King's College Buddo, asomere eyo "Higher" oba Siniya 5 and 6. E Gayaza mu Siniya 4 ye yali okukulembera bayizi banne nga Headgirl oba Head Prefect. Bwatyo ne Buddo nga ali mu Siniya 6 era yalondebwa kubwa Headgirl, akulira abawala mu somero eryo. Yali muyimbi mu Buddo Nightingales. Yali mwagazi wa mizannyo egya Katemba. Emizannyo mwe yasinga okumanyika gyali ebiri: "Antigone" ne "St Joan of Arc", mweyali omuzannyi omukulu (*leading actress*).

Yayingira Makeerere University mu 1963 n'asomerera diguli Bachelor of Arts. Yenyigira nyo mu nsonga n'embeera z'abayizi (*students politics*). Yalinako ku bwami mu kibiina ky'abayizi Makeerere Students Union mu 1964. Nga amaze e Makeerere yagenda e Bungereza mu 1967 okukuguka mu by'okutereka ebitabo (*librarianship*). Yafuna ebbaluwa ey'ekikugu, Associate of the Libraries Association (ALA). Nga ali e Bungereza eyo mu 1969, gye yafumbiriganirwa n'omwamiwe eyasooka, Dr David Kyegombe, gwe baali bamaze naye ebbanga nga balabagana, ne bweyali nga akyali e Uganda. Eby'embi obufumbo bwabwe tebwawangaala, baayawukana oluvanyuma lw'akabanga katono ddala olw'ebizibu n'obutategeeragana ebyajjawo wakati wabwe. Tebaazaala mwana nga bali bombi.

Betty yakomawo e Uganda n'atandika okukola mu Library e Makeerere University mu mwaka 1970. Yaddamu okufumbirwa, n'afumbirwa Dr Paulo Wamala, omusawo w'ebigere, munna-business eyali nannyini City Pharmacy ku Kampala Road, eyalina Pharmacy e Nairobi, era eyali addukanya Gomba/Jjajja Marina, club y'amaato ku lubalama lw'ennyanja Nalubaale e Munyonyo Ggaba. Kigambibwa nti Wamala abazigu ba Idi Amin baamumiza omusu nga bamulanga obugagga bwe, mbu Amin nga ayagala kweddiza Jjajja Marina. Oluvanyuma Betty yafumbirwa Omwami George Byekwaso mu 1977. Baayagalana nnyo bombi, era mukama n'asasula okwagala kwabwe n'ezzadde ly'abaana abawala babiri, era be bano:

1. Elizabeth Mirembe Naibhati
2. Georgina Naigaga

Abaana abo bombi Basoga. Kinajjukirwa nga jjajja wa Betty omukazi gwe yabbulwamu erinnya Banzigya, naye yali Musoga. Abaana abo bombi bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Omwami we oyo Byekwaso yatemulwa abazigu nga 31 Agusto 1980 nga Betty akyali lubuto lwa Georgina "Najjalwambi." Mu kiseera ky'okutemulwa kw'omwamiwe oyo Betty teyaliiwo. Yali Bungereza ku mirimu gya Library. Obulamu bwa Betty tebwali bwangu okuva olwo. Yajjula okutya engeri gye yali afiiriddwa abaami, kati abo babiri mu ngeri eyentiisa. Omwana olwamuzaala mu 1981, Betty yasalawo okuva mu Uganda, n'agenda akolerako e Kenya okumala akaseera. Ate oluvanyuma n'aserengeta e Swaziland gye yakolera mu Swazi National Archives, okutuusa 1989 lwe yasengukira e Canada asobole okusomeserezaayo abaana be. Yali mu kibuga Ottawa gye yakwatirwa olumbe mu mawuggwe olwavaako okufaakwe nga 11 August 1995. Enjole ye yakomezebwawo e Uganda n'egalamizibwa ku biggya e Mpigi Nakaseeta, okuliraana kitaawe ne nyina we beebase. Yaziikibwa nasiisi w'abantu bangi ab'oluganda n'abemikwano. Baamusaalirwa era bakyamusaalirwa na guno gujwa.

AKAYUNGO - 9: Ester Lilian Nabbosa Muleme

Yazaalibwa nga 8 Mayi 1942 mu ddwaliro e Mulago. Yatuumibwa erinnya ery'ekika Nabbosa. Yabatizibwa mu Kanisa ya Yokaana Omutukuvu eye Makeerere, n'atuumibwa amannya Ester Lilian. Oluvannyuma n'assibwako emikono mu Kanisa y'emu nga 18 Octoba 1955.

Ebiseera bye eby'omu buto yasooka kubimalira waka e Makeerere, okutuusa 1945 bakaddebe lwe baabatwala mu buwanganguse. Olwo Ester ne bamutwala okubeera ne baaba we Anna Nabbosa Tegubikkulwa e Kyebando gye yali afumbiddwa Mwami Mulangira. Ester teyasooka kulya nnyama mu buto. Ate ne bbaabwe Mulangira naye nga tagirya. Kale enningu zaalibwanga nyo awaka awo, era Ester azijjukira ne nsaalwa nnene. Eyo yavaayo nga atuuse okugenda mu somero eyo nga mu 1948, kyokka nga olwo yali amaze okuyiga walifu (*alphabet*) y'Oluganda. Yayagalanga nnyo abaana abato, okubalera, okubaweeka, okubasiisitira beebake. Nga tayagalira ddala mwana kukaaba. Kino kyamuteekako ne mu mitawana, bwe yagezaako okuvuubiika akasuuka mu kamwa ka muto we Kasalina Nalumu bwe yali akaaba nga agaanye okusirika. Nyina aba ava okulima yasanga Ester asirisa mutoowe mu ngeri etaali ya bulijjo, n'amukuba oluyi talirwerabira. Ester olwo yali aweza egy'obukulu emyaka nga 10 gyokka.

Okusoma yakutandikira Makeerere Infant School, nga basomera wansi wa muti wabweru we Kanisa. Omusomesa wabwe nga ye Abednego Okwalinnga. Olw'okuba Ester yali walifu agiyize, yayambanga ku musomesa okusomesa banne abalala abaali batannagiyiga. Agamba nti oba olyawo omwo mwe mwatandikira okwagala omulimu gw'obusomesa bwe yayingira mu bukulu, anti Abaganda bagamba nti, "Akaliba akendo, okalabira ku mukonda". Yasoma Primary 1 - 4 e Makeerere Primary School, n'oluvanyuma n'agenda e Mengo Primary gye yamaliriza Primary 5 ne 6 mu 1956, nga ebibuuzo bya Primary Leaving Certificate abiyitidde waggulu ddala. Ajjukira bulungi Headmistress wa Gayaza High School Miss Joan Cox bwe yagenda e Mengo okugezesa abo abaali baagala okugenda okusomera e Gayaza Junior School. Olw'amagezi ge amangi, Ester baamuwa ekifo e Gayaza era naye n'asoma bulungi nga ekifo akwata mu kya nsuusuuba. Ekyakosa okusomakwe bye bisale by'essomero (*school fees*) ebyali ebizibu okufuna, engeri kitaawe gyeyali takyakola, nga yemalidde mu bulimi omutaavanga nsimbi ziwera. Yebaza nyina ENK ateemotyamotya, n'agenda yegayirira Headmistress fees za Ester zisasulwenga mu bitundutundu, era naye ataagaana. Bw'amaliriza Junior School mu 1959, yali ayise bulungi ddala okusobola okweyongerayo mu Siniya. Naye kitaawe n'amugamba nti yali talina nsimbi za Siniya. Kwe kusaba ekifo mu Lady Irene Teacher Training College e Ndejje, asome obusomesa. Kyokka era n'obusomesa Ester yali abwagala, nga abulinamu ekitone ekyali kyeyoleka edda. Yali kakensa mu kukuba n'okusiiga ebifaananyi, era nga ayamba nyo bayizi banne mu kubakubira ebifaananyi ebya Teaching Aids. Bo mu kumusasula, nga bamwoleza n'okumugololera engoye. Yasomesa bulungi nnyo, era ebibuuzo ebimala obusomesa yabiyitira waggulu nga afunye "Distinction". Olwo n'afuna Grade 2 Teachers' Certificate.

Mu 1964 Ester yafuna omulimu gw'obusomesa e Buddo Junior School, Kabinja, essomero ly'ekisulo eryali ery'ettutumu mu biseera ebyo. Baamuwa kusomesa kibiina kya Primary 1, omwalinga abaana abaakava ku ba nyabwe, bagenze okutandika okusomera mu kisulo. Leero nga aba nga maama wabwe, anti nga abaagala nyo, ate nabo bamwagala. Yakola nnyo emirimu engeri gye baali bamuwadde obuvunaanyizibwa obungi, gamba nga okuyimbisa, okuzannyisa abawala emizannyo, okulimisa n'okutungisa. Nga ebyo byonna abikola, mu kiseera kye kimu ate nga bwe yesomesa yekka asobole oluvanyuma okukola ebigezo bya Cambridge School Certificate ebya Siniya 4. Agamba nti essomero

teryamuyamba kinene, ne bweyabategeeza ku misomo gye yaliko. Naye engeri gye yali omuvubuka embula kalevu, teyasanga buzibu mu kugattaganya mirimu egyo emingi, n'okwesomesa. Yalwa daaki n'atuula ebibuuzo bya Cambridge School Certificate mu 1967, era nabyo n'abiyita. Yenyumiririza nnyo mu mwannyina Sam Kiyingi Lutalo eyamupikangamu omukka, n'okumukubiriza okutuula ebigezo ebyo mu bbanga ettono eryo. Omukulu w'essomero, Mwami Kibirige, nga ayogera eri essomero yawaana n'asukkulumya Ester okwesomesa yekka, n'atalagajjalira mulimu gwe, kyokka n'asobola okutuula n'ayita ebigezo ebyo ebikakali mu bbanga ettono bwerityo.

Ester yasaba okweyongerayo asome obusomesa obw'eddaala erya waggulu, n'akkirizibwa. Kwe kugenda e Shimoni Teachers' College mu 1969, gye yasomerera Grade 3 Teachers' Certifiate. Yayitira waggulu nga afunye "Distinction' endala, mu 1971. Bwatyo n'agundiira mu busomesa, bwalimu ne kaakati. Yasomesa mu Shimoni Demonstration School okuva 1971 okutuusa 1980. N'asomesa Old Kampala Primary School okuva 1981 okutuusiza ddala mu 1998 lwe yasalawo okuwummula okuva mu masomero ga Gavumenti. Ekiseera ekyo kyonna abadde okusinga asomesa ebibiina ebisooka Primary 1 ne 2, kale n'afuna obumanyirivu bungi n'okukuguka mu nsomesa y'abaana amabujje (Infant Educational Methods). Kati addukanya essomero lye ery'abaana abato lye bayita Joy Infant School e Maganjo, nga ye mukulu w'essomero. Lya bibiina bisatu: nursery, Primary 1 ne 2. Alina abasomesa basatu abamuyambako.

Mukyala mufumbo, yafumbirwa Mwami Samuel Muleme, muzzukulu wa Muteesasira ow'e Ngo mu Agusto 1971. Obufumbo bwabwe baabwesigamya ku kwagala, era Katonda akyabawadde abaana baabwe mukaaga, era be bano:

1. Paul Andrew Muleme Gasuza
2. James Luyirika Wango
3. Eric Semwanje Sekisaka
4. Christine Joy Nalubowa
5. Simon Peter Kavuma Balirwana
6. Joel Godfrey Serubanja

Abaana abo bonna beddira Ngo, akabbiro Kasimba. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Ester abaana be abaagaliza okubeera abakozi ennyo, abaguminkiriza ate abeesigwa, abaagalana era abayambagana. Abasabira beyongere okusoma bafune diguli ezisooka, beeyongere ezokubiri, ne Doctorates of Philosophy (PhD) nazo bazifune.

Mu bulamu bwe ebintu byasinga okunyumirwa ennyo nga ojjeeko okusomesa, mwe muli okuyimba, naddala enyimba ez'ekkanisa. Yayimbirako mu Choir ye Kanisa ye Makeerere, mu Junior Choir ya Gayaza High School.

AKAYUNGO - 10: Balubuuliza Kibuuka Kiyingi

Yazaalibwa 10 October 1944 mu dwaliro ly'e Mulago. Aba akyali bbujje lya mwaka gumu, kitaawe ne nyina ne babatwala mu buwanganguse e Karamojja. Olwo Kibuuka ne bamutwala e Kassanda Ssingo agire nga abeera ne bamaama be abato, awamu ne jajjaawe Eresi Ssanyu Mujugumbya. Okugenda okuva eyo mu mwaka gwa 1949 nga aweza emyaka etaano (5), alyoke asobole okutandika okusoma ku myaka omukaaga mu Makeerere Subgrade Primary School omwaka ogwaddirira. Awo teyalwawo n'aserengeta mu kyalo e Bukatira gyeyeyongerera okusoma emisomo gya Primary mu Namasinda Primary School okuva 1952 okutuusa 1955. Primary School yagimaliriiriza mu ssomero lyaba mwoyo gwa gwanga Aggrey Memorial School, gye yamala emyaka ebiri, n'alyoka afuna Primary leaving Certificate mu 1957. Yali musambi wa mupiira ogw'ebigere mu biseera bye yamala mu bibiina ebya wansi ebyo. Bwe yagenda yeyongera mu bibiina ebya waggulu ebiseera ebizannya akapiira ne bikendeera.

Nga amaliriza Primary School, yayitira waggulu, ekyamusobozesa okugenda mu Junior Secondary, n'oluvanyuma Senior Secondary e Makeerere College School. Eyo yakulungulayo emirungi mukaaga 1958-1963, nga anokoddeyo certificate ze ennungi bbiri: Junior Leaving Certificate ne Cambridge School Certificate.Yayatiikirira nyo nga omuyizi ayateranga okwejjukanya ebibuuzo ebyayita, banne kwebajja okumupaatikako erinnya "Past papers"

Emisomo gye egyaddirira egisinga yagisomera bweru wa Uganda, naddala mu nsi Bugirimaani. Yasooka n'akuguka mu bwa Yinginiya (*Physics Engineer*), obwo n'abufunamu diguli esooka. Neyeyongerayo okukenkuka mu by'amagezi n'okulowoza, mweyakoonola diguli bbiri - Bachelor of Arts (B.A.) mu 1976 ne Magister Artium (M.A.) mu Philosophy ne Logic mu 1979. Okukenkuka mu by'amagezi n'okulowoza tebyamumalira, ate n'afuna omubabiro gw'ebyennimi (linguistics). Bino yabireetamu ekitangaala kinene, abalina obuyinza ne bamutikkira diguli endala nate: Doktor der Philosophie (*Linguistics*) eya University of Bielefeld e Bugirimaani mu mwaka 1989. Teyakoma awo n'abakana n'eddimu ssebalimu erikwatanya n'okugandawaza olulimi olwa Sayansi: "okuzza Sayansi mu Luganda". Yasookera ku kwekeneenya olulimi n'ebigambo bya Sayansi gye bitondebwamu. Eddimu lino yasinga kulikolerako mu Kenyatta University e Kenya, gyeyali asomesa Olulimi Olugirimaani (*German Skills and Linguistics*) mu myaka egyo. Yalifunamu diguli esingira ddala okuba eya waggulu University gyegaba (D.Litt.), nga ye muntu asoose okugifuna mu University eyo.

Emirimu egigasa e ggwanga yasooka kugikolera wano mu Uganda nga asomesa Mechanical Engineering mu Uganda Technical College e Kyambogo okuva 1971 okutuusa 1975. Oluvanyuma nga amaze okweyongera okukuguka mu nnimi, yakolera e Kenya mu masa agawera okuva 1979 okutuusa 1999 ate lwakomyewo e Uganda, ne kati gyaali nga omusomesa w'ennimi *(Linguistics*) mu Institute of Languages, Makeerere University.

Akulaakulanyizza Olulimi Oluganda okulutuusa ku mutindo we lusobolera okwogererwamu bulungi eby'amagezi ga Sayansi. Era y'omu ku bakola ku Nkuluze (Dictionary) y'Ennimi: Luganda, Runyoro-Rutooro, Runyankore-Rukiga ne Acooli, mu Makeerere Institute of Languages, n'ebirala bingi.

Musajja mufumbo. Yawasa Mukyala Florence Hadudu, muwala wa Mw. Charles Oundo Wasibi ne Muky. Merab Agutu Oundo abeddira e Ngabi. Katonda akyabawadde abaana babiri, era be bano:

1. Kiyingi Banadda Balubuuliza
2. Naluggya Nambubi Namatimba

Abaana abo bombi beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bombi bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Kitaabwe abaagaliza ebiseera ebyomu maaso ebitangaavu nga beemalirira mu mirimu gyabwe.

AKAYUNGO - 11: Samuel Kigwira Kiyingi Lutalo

Yazaalibwa nga 03/09/1946 mu dwaliro e Mulago, Kampala. Mu kiseera ekyo kitaawe Paulo Kiyingi yali mu buwanganguse olw'okulwanyisa obufuzi bwekikoloni. Nyina Eseza naye eyali ne bba mu buwangnguse e Kitgum ne Moroto, eyo olubuto gyeyalufunira, oluvanyuma alyoke adde asumulukukire e Buganda. Kyeyava atuumibwa erinnya **Lutalo**, eritali lya ssiga lya Luwanga mwetuva, naye nga liva ku lutalo kitaawe lweyali alwana. Kitaawe era namwongerako nerya **Kigwira**, nga liva mu njogera egamba nti "Ekigwira omusajja, akimala". Yabatizibwa n'ayingizibwa mu kisibo kya Kristo mu Desemba 1946.

Ebiseera bye eby'omu buto yasinga kubimalira Makeerere ne bakaddebe, kyokka yakulirako e Mawokota ne Kanaaba, Kyaddondo nga ali ne maamawe omuto Yunia Nandawula Lwanga. Ate era n'amalako akaseera nga ali ne mukuluwe Damasiko Kaggulire mu Ndeeba okumpi ne Kampala, gyeyavanga nga asoma mu bibiina ebya Primary mu Aggrey Memorial School e Bunamwaya ne Nabagereka Primary School mu Lubiri lwa Ssabasajja Kabaka. Bwamalako Primary mu 1959 nga ayitidde waggulu mu kibinja ekisooka (Grade A) kwe kugenda mu Lubiri Secondary School gye yasomera Junior mu myaka 1960 ne 1961. Yaliko kaliisoliiso we kibiina (*class monitor*) nga ali mu Nabagereka Primary. Yayagalanga nyo emizannyo, nga okusamba omupiira ogwe bigere. Mu biseera bye ebyeddembe nga anyumirwa okulambula ekibuga Kampala okumanya buli kafo wa wekali.

Siniya yagisomera Kings' College Buddo okuva mu Senior 1 okutuuka okumalako Senior 6, gyeyamalako mu 1967 nga olwo aweza egy'obukulu abiri mu gumu (21). Yeyongera okuba omuyizi omulungi, eyesigibwa n'obuvunaanyizibwa. Yalondebwa kubwa Kaliisoliiso bwe kisulo kye nyumba gyeyasulangamu (*Senior Monitor of Nigeria House*), awamu n'okwetaba n'obuvumu mu mizannyo gyonna egyazannyibwanga ku somero e Buddo, gamba nga omupiira (*football*), cricket, okuwuga, hockey, okudduka embiro n'ebirala (*athletics*). Mu kumalako siniya yayitira waggulu bulungi, ekyamusobozesa okuyingira Medical School ya Makeerere University okusoma obusawo okumala emyaka etaano be ddu. E Makeerere mu University yali asula mu kisulo kyebayita Livingstone Hall, mweyakolera emikwano emingi. Yanyumirwanga ennyo okuwaya ebifa mu nsi ne njegoyego z'ekibuga. Yaliko memba w'akakiiko k'abayizi akaddukanya ekisulo ekyo (*Livingstone Hall Student Executive Committee*). Ebimu ku by'asinga okujjukira mu biseera bye yamala mu Livingstone kwe kukekera kw'emmundu ezajjako Obote mu 1971. Zaali saawa nga ziyise mu musanvu ez'ekiro. Yali "akyalya muliro", emmundu we zaatandikira okukekera. Weyali yenna natetemuka, omutima negumwewuba, kumpi kumuva mu kifuba. N'alingizaako mu kamooli k'eddirisa alabe oba alina kyalaba, nga mmye. Olwo nga abajaasi ba Kijambiya bawamba obufuzi okubujja ku Kawenkene.

Yatikkirwa diguli ya Bachelor of Medicine ne Bachelor of Surgery mu 1973, nga y'asoose okufuuka omusawo mu lulyo lwa Kiyingi. Oluvannyuma lw'okukolako emyaka nga ebiri ate yaddayo okusoma buto, luno nga aluubirira kwongera kukuguka mu ttabi erimu mu ndwadde z'abantu. Emisomo egyo yagimaliriza mu 1978, olwo ne bamuttikkira diguli ya Master of Medicine (Medicine). Yeyongera okukenkuka mu ndwadde z'amagumba n'ennyingo bwe yamala ekiseera nga akolera mu dwaliro lye Bungereza lyebayita "The Royal London Hospital, Bone and Joint Research Unit", mu 1982. Era n'akati emirimu gye egisinga gyekuusa ku ndwadde z'amagumba n'ennyingo (*Rheumatology*).

Akoledde ensi eno emirimu mingi, mu bifo bingi. Yasooka kukolera mu dwaliro e Mulago wakati wa 1973 ne 1974. Yakolako e Mbale Hospital wakati wa 1974 ne 1975, ate alyoke addeyo e Mulago

okweyogera okukuguka, wakati wa 1975 ne 1978 n'emyaka egyaddirira esatu. Bwava e London yagenda butereevu e Zimbabwe gyeyakolera nga omusawo omukulu mu dwaliro lye Gweru (Gweru Hospital, Midlands Province, Zimbabwe) okuva 1982 okutuusa 1988. Yakyusibwa n'adda mu kibuga ekikulu ekya Zimbabwe, Harare, n'atandika okukolera mu Harare Central Hospital era nga omusawo omukugu, okuva 1988 okutuusa leero. Mu kiseera kye kimu era asomesa ne mu ttendekero ly'abasawo "University of Zimbabwe Medical School". Okuva mu 1997 yatandika naye okwekozesa mpola mpola (*Part-time Private Practice*) mu kampuni eyiye ku bubwe.

Musajja mufumbo. Yawasa Mukyala Angela Mereci Namyalo, muwala wa Mwami Lodoviko Ssali Ssaalongo n'omugenzi Rose Ssali Naalongo abe Kasekende, Mubende nga 13th February 1977. Ddunda akyabawadde abaana babwe abalungi bana, era be bano:

1. Nakatudde Pamela Margaret Mirembe
2. Nakiyingi Priscilla Esther Nkwagala
3. Naluggya Patricia Roslyn Birungi
4. Nalugwa Proscovia Ssanyu

Abaana bano bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi, eyeebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi. Abaana be ekyamagezi kyasinze okubakalaatira kye kino: "Obumalirivu n'obutaweera kuddingana, bizaala amagoba" (*Determination and Perseverance Will Somehow Make a Difference*). Ate era na kino nti: "Ogutateganya, teguzza nvuma". Bwatyo n'abakalaatira basome nyo, naddala emisomo egigenda okubafunyisa emirimu yonna gyebaliba baagadde okusenga. Ate n'agattako nakino nti, "Buli wa lulyo lwa Kiyingi yenna asobola, asaaniddenga yefunire *business* eyiye mwe yeekozeseza ku bubwe. Ekyo kimusobozese okufuna ensimbi mwajja ezisasula omusolo gwa *business*, naye ate nga ne *business* bwemulabirira mu byetaago bye, okusinga okubeera omukozi akozesebwa n'asasulwa empeera abalala emirembe gyonna".

Akoledde era akyakolera bingi ensi Uganda, Zimbabwe n'ensi za Africa endala ku by'obulamu bw'abantu, naddala ku ndwadde z'amagumba n'ennyingo, awamu n'omusujja gw'ensiri.

AKAYUNGO - 12: Kikuttobudde Sekkadde Kiyingi

Nazaalibwa nga 8 Agusto 1951 mu dwaliro e Mulago, Kampala. Natuumibwa arinnya Sekkadde, okuva ku kitange omuto Bapere Sekkadde. Nabatizibwa ne nyingizibwa mu kisibo kya Kristo Omusumba Yeremia Jjemba nga 23 Desemba 1951, mu Kanisa ya Yokaana Omutukuvu e Makeerere, ne ntuumibwa erinnya Sadulaaki, omuzira eyasuulibwa mu mpuku ye Mpologoma. Abayima bange mu kubatizibwa baali: Omw. Musa Mukasa, Omw. Nekolasi Musoke ne maama wange omuto Muky. Yuniya Nandaula Lwanga. Oluvanyuma nassibwako emikono, Omulabirizi Dunstan Nsubuga ow'Obulabirizi bwe Namirembe, nga 6 Novemba 1966; ne nkakasibwa mu Kanisa ya Kristo e Makeerere nga nkalaatirwa ebigambo bino "Beeranga mwesigwa okutuusa okufa, nange ndikuwa engule ey'obulamu".

Ebiseera byange ebyomu buto nasinga kubimalira mu maka ga bakadde bange e Makeerere, Kyaddondo. Namalako akaseera ne maama wange omuto Sophia Nanteza Nakibuuka e Kassanda Ssingo, gwennayagala ennyo okutuuka n'okwerabira mange Eseza nti y'anzaala. Ku bye nsinga okujjukira mu buto bwange, nzijukira namuziga za bus (luvokwaya) okumpita ku ngalo bwennali nfukamidde ku luguudo e Bwayise nga ndi ne bakadde bange tulindirira Kabaka Muteesa II. Yali ava mu Lubiri lwe e Bamunanika agenda e Mengo, eyo mu biseera by'okujaguza amaddage mu 1955 oba emyaka egyaddirira. Ekirala kye nzijukira kwe kumpitanga erinnya Munialo, lyennasooka okulowoza nti lya kutyoboola, so nga lyava ku musambi wa mupiira eyayatiikirira enyo mu tiimu ya Kenya mu biseera ebyo, gwebayitanga Munialo. Yalinga asambisa kugulu kwa kkono, nga nze.

Okusoma kwange: nnasooka ne nsomesebwa mange ENK, okusoma walifu (*alphabet*), enjatuza awamu n'okuwandiika, awaka nga ssinnagenda mu ssomero. Kino kyansobozesa okubuuka nursery n'ekibiina ekisooka; ne ntandikira butereevu mu Primary 2 e Makeerere Primary School mu 1960. Nnamalako Primary 6 ne nfuna Primary Leaving Certificate, ate era ne neyongera mu Primary 7 ne 8 (nga olwo tebakyagiyita Junior) mu ssomero lye limu. Nafuna Primay Leaving Certificate ey'okubiri nga mmalirizza Primary 8 mu 1966. Mu Primary School naliko Prefect w'Okuyimba. Nayimbanga mu Kwaya ye Kanisa e Makeerere. Nnayimbirako ne mu Kwaya y'Amakanisa amagatte (*Combined Churches Choir*) mu Kampala nga ekulemberwa Omuyimbisa George W Kakoma, eyasinga okwatiikirira ennyo olw'okuyiiya n'okuwandiika Oluyimba lwe Gwanga (*Uganda National Anthem*). Ekirala kyennakolanga mu biseera byange ebye ddembe kwe kutambula mu nsiko (*bush-walking*). Nazannyanga endiba, gye twaazanyiranga awo ku kisaawe ky'omupiira ekiri mu maaso g'enyumba mu bukiika obwa ddyo. Era nazanyirako ne mu tiimu y'omupiira eye somero. Ebiseera byange mu Primary 4 nsinga kubijjukirako okumaala obusa bw'ente mu bibiina. Baatulaalikanga olunaku lwe tunaaleeta obusa bw'ente. Engeri abayizi abamu gye tutaalina nte waka, nga oluusi kitubeerera kizibu okubufuna. Kyokka ekyo nga abasomesa tebakitegeera. Kale nga tuba tulina okugulirira bannaffe abaalina ente, batuleetereyo ku "miwumbo gy'obusa", ne gye tuba naffe tuwaayo. Tewali n'omu ku bayizi gwe nzijukira yakwatibwa bulwadde bwa mulalama (*tetanus*), obutera okwekwanaganya n'obusa bw'ente. Ebiseera byange mu Primary 7 nabyo mbijjukira nnyo, engeri gye tutaalina basomesa bankalakkalira bulungi. Nze n'abamu ku bannange nga tutoloka okuva ku ssomero, ne tugenda okukuba ggogolo, n'okuyayukira mu maduuka g'Abayindi mu Kampala, ne ssamba ye bikajjo e Makerere University, gye twasibiranga nga tuva mu maduuka mu Kampala, ne tumala okwegabula ku bikajjo ebitali byaffe. Oluusi n'oluusi nga abaserikale ba University batugugumbula, ne tudduka ne tubuuka sengenge ne tufuluma University. Ekyewunyisa, nga mmaliriza Primary 8 nayitira waggulu mu Grade 1, bannange bonna nga mbaliddemu akendo, ne kinsobozesa okugenda e Kings' College Buddo gyennasomera,

okuva mu Siniya 1 okutuuka mu Siniya 6. E Buddo neenyigira mu bintu bingi nga ojjeeko okusoma mu kibiina. Nali muyimbi lukulwe eyayimbirako mu Chapel Choir ne Buddo Nightingales. Nanyumirwanga okuzina amazina ag'aba-Scot (Scottish Country Dancing). Neeyongera okutambula mu nsiko ne mu bibira nga tuli n'abasomesa bange aba Biology. Mu 1970 twatalaaga ekibira Kasyoha ekiri mu Ankole, nga tuli n'abasomesa John White ne Boston, awamu ne muyizi munnange James Ntambi, n'omuvubuka omulala Henry eyali asomera e Kibuli. Nazannya emizannyo mingi, naddala Hockey gwe nazanyirako mu tiimu y'essomero okumala emyaka ena miramba. E Buddo navaayo ku nkomerero ya 1971, nga nnokoddeyo East African Advanced Cerificate of Education.

Nga nkyalindirira okugenda mu University nawandiika emboozi bbiri ze nasoma ku radio nga zinyonnyola Ensikiragano z'Abantu (*Human Heredity*). Zaanyumira nyo abawuliriza, anti nga ziyigiriza bingi. Era zaalwawo nga ziteekebwa ku mpewo za radio emirundi n'emirundi egiwera. Nakolako ne mukulu wange Balubuuliza Kibuuka Kiyingi, nga atandika okunoonyereza engeri y'Okugandawaza olulimi lwa Sayansi, eyo mu 1972. Mu mwaka gwe gumu bankoowoola okugenda mu ttendekero ly'abasawo e Mulago, nsome obusawo. Nabusoma n'obumalirivu, yogayoga nga mbukubye oluku mu mutwe. Bantikkira diguli Bachelor of Medicine ne Bachelor of Surgery (MB ChB) mu mwaka 1977, ne nfuuka omusawo ow'okubiri mu lulyo lwa Kiyingi. Kyokka bwennali nkyasoma, nakolako n'omuwandiisi w'olulimi Oluganda Michael Nsimbi, nga yejjukanya ekitabo kye "Amannya Amaganda N'ennono Zaago" mu 1975.

Oluvanyuma lw'okukolera ensi yange emyaka nga ebiri, nagenda mu Australia okwongera okusoma, okukuguka mu kannakumanya w'amadagala (*Pharmacology*) mwe nakoonola diguli eya Doctorate of Philosophy (PhD) okuva mu University ye Sydney, mu mwa ka 1985. Nali noonyereza engeri y'obulwadde bw'olufuba (*asthma*) n'ensonga ezibuleeta, nga nneyambisa amadagala agaleeta olufuba n'agalujjanjaba.

Namala emyaka mukaaga mu nsi gye bayita Papua New Guinea nga ngiwereza, okuva 1985 okutuusa 1991. Nasooka ne mmala emyaka esatu nga nzijanjaba abalwadde ba kookolo (*cancer*) mu Angau Memorial Hospital e Lae. Ate ne mmala emyaka emirala esatu nga nsomesa Kannakumanya w'Amadagala (*Pharmacology*) mu ttendekero ly'abasawo erya University ya Papua New Guinea e Port Moresby. Nakolanga ne mu dwaliro eddene Port Moresby General Hospital mu Asthma Clinic. Era neeyongera okunoonyereza mu bulwadde bw'olufuba mu Papua New Guinea. Nasobola okulambika akalandira akali wakati w'obulwadde obwo *asthma* n'okulya *betel nut*, bannansi b'omunsi eyo gwe balya nga Omuganda bwalya emmwanyi.

Twalina ekibiina kye baayitanga Pan African Association (PAA), ekyali kigatta abo bonna abaalina obulandira mu Africa. Naliko Ssabawandiisi waakyo mu 1989/1990. Era mu 1990 twakyaza ba Minista b'eby'Ensimbi abava mu Africa ne Carribean, bwe baali bazze mu lukiiko lwabwe ttabamiruka olwa ensi za Africa, Carribean ne Pacific (ACP Finance Ministers Conference), olwali e Papua New Guinea omwaka ogwo. Nzijukira bulungi nti Mwami Nelson Mandela e South Africa baali baakamuta okuva mu busibe, ate ne ensi Namibia nga nayo yakafuna obwetwaze mu kiseera kyekimu. Kale okujaguza kwali kwa maanyi nnyo eri buli muddugavu yenna ava mu Africa. Bwetutyo naffe ne tujaguza, nga tuli ne bannaffe abaali bavudde mu Africa ne ensi za Carribean.

E Papua New Guinea twavaayo mu 1990, ate ne twesogga buto Australia nze n'abomu maka gange. Neeyongera okusoma ne nkuguka mu busawo bw'amaka (*Family Medicine*), ne nfuuka Fellow wa

Royal Australian College of General Practitioners (FRACGP). Emirimu gyange egy'okukanika abantu kati ngiddukanyiza mu kibuga Townsville, ekya Australia.

Ndi musajja mufumbo. Nawasa Mukyala Beatrice Nabanoba Birabwa, omukazi omuganda eyeddira e Kkobe, muwala w'abagenzi Cornelius ne Agnes Naava Busuulwa e Masaka Buddu nga 12 Januali 1980 mu Kerezia ya Agustino Omutuukirivu e Makeerere University. Katonda atuwadde abaana baffe basatu, okwo kwogatta n'omwana ow'amaanyi g'obuvubuka gwennazaala mu mukyala omulala, ne bafuuka bana bonna awamu, era be bano:

1. Kulumba Kivebulaaya
2. Nabbosa Makula Agnes Namuswe
3. Lutalo Kikwanguyira Deogratius
4. Nakkadde Ssanyu Sharon

Abaana abo bonna beddira Ndiga, akabbiro Mpologoma. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi eyebase e Mpigi Nakaseeta Bulemeezi.

Ebimu ku bye nzikiririzaamu bye bino: Tewali matendo g'ofuna gatava mu ntuuyo zo. Bwoluubirira kyosobola okufuna, bulijjo osasulwa okusinga oyo aluubirira kyatasobola kufuna. Kyenva nduubirira okukuza abaana bange n'okubasomesa batuuke ku madaala agasinga okuba aga waggulu mu buli kye baliba basazeewo okufuuka, nga mbakalaatira nti: tebalina kuba bagagga ba bifeekeera okuba abasanyufu, newankubadde buli nsimbi gyebasobola okufuna eyamba kinene.

AKAYUNGO - 13: Margaret Kuumekyoto Naluggya Musoke

Yazaalibwa 31 Desemba 1955 mu dwaliro e Mulago. Olwo kitaawe Paulo Kiyingi yali akomyewo okuva mu buwanganguse, era nga wa ddembe okubeera wonna wayagala mu Uganda. Yatuumibwa erinnya ery'ekika Naluggya. N'agattirwako eddala Kuumekyoto olw'okuba omuggalanda. Nnyina ENK yamweyitiranga "omwana owa late" engeri gye yali alowoza nti yakoma dda okuzaala; kyokka ate agenda okulaba nga afunye olubuto olulala ku myaka ana mu mukaaga ENK gye yalina. Yabatizibwa nayingizibwa mu kisibo kya Kristo mu mwaka 1956, n'atuumibwa erinnya Margaret. Oluvannyuma era yakakasibwa mu Kanisa bwe yassibwako emikono mu 1970.

Ebiseera bye eby'omu buto ebisinga yabimala mu maka ga bakaddebe e Makeerere. Kyokka yakulirako e Mubende nga mukuluwe James Mpiima akyakolera eyo emirimu gya Gavumenti. Emisomo gye yagitandikira Mubende mu nursery. Oluvannyuma yeyongera okuyiga mu Makeerere Primary School gyeyamalira Primary 7, nga akoonodde Primary School Leaving Certificate. Yali anyumirwa nyo eby'okuyimba era yali memba lukulwe owe kwaya ye Kanisa ye Makeerere, nga ayimba soprano ne descant okujula okutikkula akasolya ke Kanisa. Yazannyanga n'okubaka (netball). Bwe yava e Makeerere Primary School yagenda mu Siniya e Kampala Grammar School gyeyatuulira ebigezo bya Senior 4 n'afuna East African Certificate of Education. Yasalawo okugoberera kitaawe Paulo Kiyingi bye yasoma, nga asoma emisomo egyokukuba tayipu n'okuddukanya ofiisi (Typing and Office Practice) mu College of Business Studies, e Kampala okumala emyaka esatu, okuva 1976 okutuusa 1978. Okuviira ddala 1we yamala emisomo egyo yafuna omulimu e Makeerere Law Development Centre, era ne bamukansa. Naguno gujwa gy'akakkalabiza egivaamu ekigulira magala eddiba. Yeyongera n'akuguka mu office management nga akola course mu Uganda Management Institute mu 1997. Kati edaala lyaliko mu mirimu gye lya bwa Personal Secretary mu Law Development Centre.

Mukyala mufumbo, yafumbirwa mwami Charles Kamya Nsubuga Musoke, omusajja omuganda eyeddira e Mamba, mutabani wa Wassuukirawa Nsubuga e Buwaya. Katonda aky'abawadde abaana babwe bataano beddu, era be bano:

1. Nansubuga Reste
2. Nakkazi Irene
3. Mubiru Edward
4. Ndagire Dorothy
5. Nampewo Elizabeth

Abaana bano bonna beddira Mamba, akabbiro Muguya. Bonna bazzukulu ba Paulo Kikwanguyira Kiyingi eyebase e Mpigi Nakaseeta, Bulemezi.

ENSIBUKO Y'EBIMU KU BIRI MU KITABO KINO (REFERENCES):

1. **Mw. Damascus Kaggulire Kiyingi** - Ye ku bubwe byajjukira, awamu n'ebyo byeyafuna okuva ku bantu beyagenda yebuuzaako mu kunoonyereza kwe.

2. **Muky. Efulansi Miriam Nalugwa Musoke** - Ye ku bubwe byajjukira.

3. **Dr Sam Kiyingi Lutalo** - yampa olulyo n'obujjajja bwaffe nga bwe butambula, ne copy ya diary Paulo Kiyingi ne Yusufu Mulindwa gye baawandiika nga bali mu busibe n'obuwanganguse.

4. **Omutaka Paulo Bbosa Lwomwa**, owa Kasolya k'ekika ky'Endiga - ebikwata ku nsibuko n'ebyafaayo by'ekika kyaffe.

5. **Kojja Dunstan Leonard Kasolo Sserunyiigo** - ebikwata ku Ssematalo eyasooka 1914-18 mu East Africa, n'olulyo lwa Eseza Nabwami Kiyingi.

6. **Mw. Andrew Mwanyika Mwashigadi** (owe Taita, Kenya) - ebikwata ku Ssematalo eyasooka 1914-18 e Voi ne Taveta, Kenya.

7. **D.A. Low (1971)** - The Mind of Buganda. Documents of The Modern History of an African Kingdom. Heinemann Educational Books, London, UK.

8. **G.K. Kirembwe (1993)** - Buganda Mirembe. The Child Press/Uganda Australia Foundation, Kampala, Uganda.

9. **D.W. Nabudere (1980)** - Imperialism and Revolution in Uganda. Tanzania Publishing House, Dar es Salaam, Tanzania.

10. **Paulo Kavuma (1979)** - Crisis in Buganda 1953-55. The Story of the Exile and Return of Kabaka Muteesa II. Rex Collings, London, UK.

11. **Henry W. West (1975)** - Land Policy in Buganda. East African Publishing House, Nairobi, Kenya.

12. **D.A.Low & C Pratt (1960)** - Buganda and British Overrule 1900-1955; Two studies. Oxford University Press, London, UK.

13. **Kenneth Inghram (1962)** - East Africa at War, World War 1; History of East Africa. Longman, UK.

14. **Matalisi Newspaper**, Uganda. Volume XXIV, No 699; 26 January 1945.

15. **Matalisi Newspaper**, Uganda. Volume XXX, No 905; 6 May 1949.

16. **Sseruwagi Namukadde & M. Mutyaba (2001)** - Ebiseera bya Chwa II ne Muteesa II. Crane Publishers Ltd., Kampala, Uganda.

17. **Brother A. T. Nsobya (1998)** - Ennono n'enkulaakulana ya Buganda. Marianum Publishing Company Ltd., Kisubi, Uganda.

18. **Paulo Kikwanguyira Kiyingi Banadda (PK) & Yusufu Mulindwa** - Akatabo k'ebiwandiiko byabwe (diary) akasengeka ebyabatuukako nga bali mu busibe n'obuwanganguse 1945-1947.



OLULYO LWA KIYINGI (KIYINGI ROOTS)

Ekitabo kino kinnyonnyola obujjajja n'ensibuko y'olulyo lwa Paulo Kikwanguyira Kiyingi e Makeerere. Kirambika obuzaale bwe mu kika ky'Endiga, mu ggwanga ly'Abaganda eriri mu nsi Uganda. Kirambika okukula kwe, okusoma kwe n'emirimu gye yakolera eggwanga lye. Kirambika obufumbo, okukola amaka n'ezzadde Lugaba lye yamuwa. Kirambika eby'obuzira bye yakolera olulyo lwe, ekika kye, eggwanga n'ensi ye. Abaana, abazzukulu n'abemirembe egiriddawo bonna abasoma ekitabo kino, awamu n'abalala bonna abakisoma bakubirizibwa bulijjo bafengayo okuwandiika ebikwata ku nsibuko n'ebyafaayo by'olulyo lwabwe. Anti bagamba nti Omuntu atamanyi nsibuko ye, ebyafaayo by'olulyo lwe n'obuwangwa aba nga omuti ogutalina mirandira.

SEKKADDE KIYINGI